# Cranes bataka e Morocco

Bya HUSSEIN BUKENYA

ABAZANNYI ba Crabes bataka mu kibuga Casablanca ekya Morocco gye bagenda okukuba enkambi okumala ennaku 11 nga beetegekera empaka za AFCON ezigenda okuyindira mu ggwanga eryo.

Cranes yasitudde eggulo n'abazannyi ba waka 9 ne bapulo okwabadde Bobos Byaruhanga, Travis Mutyaba, Jud Ssemugabi n'abalala.

Empaka zino zaakuzannyibwa wakati wa December 21 ne January 18. Cranes eri mu kibinja C ne Tunisia, Nigeria ne Tanzania ng'erina okulwana okumalira mu babiri abanaakikulembera okugenda ku luzannya lwa ttiimu 16.

Omutendesi wa Cranes, Paul Put yategeezezza nti ttiimu ye erimu abazannyi b'obumanyirivu ne baamusaayimuto ekimuwa essuubi nti bagenda kukola omulimu ogugenda okuweesa Uganda ekitiibwa. Abazannyi 5 bokka okuli, kapiteeni wa ttiimu, Khalid Aucho, Timothy Awany, Denis Onyango, Salim Jamal ne Isaac Muleme be baali ne Cranes eyasemba okuzannya empaka za Afrika ezaali e Misiri mu 2019.

Musaayimuto eyeegulira erinnya ku ttiimu y'abali wansi w'emyaka 17 (Cubs), James Bogere y'omu ku bali ku ttiimu eno. Bogere yayolesa omutindo mu mpaka ezaabadde mu World Cup e Qatar mwe yateebedde ggoolo 2 ezimu ku zaayamba ttiimu okuva mu kibinja. Mu ngeri y'emu, abakwasi ba ggoolo, Charles Lukwago ne Nafian Alionzi bakomyewo ku ttiimu oluvannyuma lw'ebbanga. Mu ngeri y'emu, omuwuwuttanyi Joseph Mpande azannyira mu liigi y'e Vietnum yasuuliddwa.

Amyuka omutendesi wa Vipers, Fred Muhumuza y'omu ku batendesi abaagenze ne Cranes nga omu ku bamyuka ba Put. Kigambabwa nti Sam Ssimbwa abadde amyuka Put tali ku ttiimu eno. Omwogezi wa FUFA, Ahmed Hussein yategeezezza mu kiwandiiko nti enkambi eno bagenda kugyeyambisa okuzannyayo emipiira gy'okwegezaamu kiyambe omutendesi okwetegereza obulungi abazannyi.

Yayongeddeko nti abazannyi abalala baakwegatta ku ttimu eno e Moroco nga bava butereevu mu mawanga gye bazannyira ogw'ensimbi. Cranes eggulawo ne Tunisa nga December



Abazannyi ba Cranes okuva ku kkono), Rogers Torach, Bobos Byaruhanga ne Travis Mutyaba nga bagenda e Morocco.

**Abazannyi ba Cranes abayitiddwa**

| OMUZANNYI | TTIIMU |
|---|---|
| **Ggoolokipa** | |
| Salim Jamal | Richards Bay |
| Denis Onyango | Mamelodi |
| Nafian Alionzi | Defence Forces |
| Charles Lukwago | KCCA |
| **Abazibizi** | |
| Toby Sibbick | Burton Albion |
| Elio Caprodossi | Universitatea Cluj |
| Jordan Obita | Hibernian |
| Rogers Torach | Vipers |
| Azizi Kayondo | Slovan Liberec |
| Isaac Muleme | Viktoria Žizkov |
| Timothy Awany | Ashdod |
| David Owori | SC Villa |
| Hilary Mukundane | Vipers |
| **Abawuwuttanyi** | |
| Kenneth Semakula | Al-Adalah |
| Khalid Aucho | Singida B.Stars |
| Ronald Ssekiganda | APR |
| Bobosi Byaruhanga | Oakland Roots |
| Alhassan Baba | FCSB |
| **Abateebi** | |
| Allan Okello | Vipers |
| Melvyn Lorenzen | Muangthong |
| Travis Mutyaba | CS Sfaxien |
| Denis Omedi | APR |
| Rogers Mato | FK Vardar |
| Reagan Mpande | SC Villa |
| Jude Ssemugabi | Jamus |
| Uche Ikpeazu | St Johnstone |
| Steven Mukwala | Simba |
| James Bogere | Sunshine |
| Ivan Ahimbisibwe | KCCA |
| Shafik Kwikiriza | KCCA |

## BAAKUSUULAKO BABIRI

Okusinziira ku mateeka ga CAF, buli ggwanga lirina okuwaayo abazannyi 28. Mu mbeera eno, Cranes erina okusuulako abazannyi babiri. Wabula Cranes eyinza okusalawo abazannyi bonna 30 okubasigaza kyokka ng'ababiri y'ebasasulira kalonda yenna.